

## Essomo 6

### Adamu ne Kaawa n'Olusuku

#### Olubereberye 2

Emirembe gibe nammwe mikwano gyaffe egituwuliriza. Tubalamusa mu linnya lya Katonda, Mukama ow'emirembe, ayagala buli omu okutegeera n'okwewaayo mu kkubo ery'obutuukirivu lyeyatekawo tufune emirembe egy'amazima na Ye emirembe n'emirembe. Tuli basanyufu olw'okusobola okukomawo olwaleero okubatuusaako pulogulamu yammwe eyitibwa Ekkubo Ery'obutuukirivu. Pulogulamu eno eyatekekebwa Trans World Radio eva mu kuvvunula pulogulamu eyitibwa **Yoonu Njub** eyatekekebwa mu lulimi oluyitibwa olu Wolof ku lw'Abasiraamu b'omu Senegal mu Bugwanjuba bwa Africa. Lino ly'essomo ery'omukaaga lye tuwadde omutwe ogugamba nti: Adamu ne Kaawa n'Olusuku.

Olwaleero tweyongera okwekkaanya ebyaliwo Olubereberye. Mu ssomo lya leero tujja kosisinkana Adamu ne Kaawa tuyige ebyaliwo ku lunaku lwabwe olwabasookera ku nsi.

Twasoma mu Torah mu kitabo ky'Okuva 20:11 nti, "...*Mu nnaku omukaaga Mukama mweyakolera eggulu n'ensi, ennyanja, n'ebintu byonna ebirimu.*" Netweyongera ne tulaba engeri Katonda gye yatondamu omuntu ku lunaku olw'omukaaga. Katonda yatonda omuntu ng'alina **omubiri n'omwoyo**. Katonda yabumba omubiri gw'omuntu okuva mu nfuufu y'ensi, oluvannyuma mu mwoyo n'ateekamu emmeeme okusobozesa omuntu okumanya Katonda. Okwo nayongerako omutima (emotions) okusobozesa omuntu **okwagala Katonda** era n'amuwa n'okusalawo (will) okumusobozesa okweronderawo ky'ayagala--kube **kugondera Katonda** oba kumujeemera.

Katonda bwe yamala okutonda omuntu eyasooka, yalina ebintu ebirala eby'okukola nga tannawummula. Emirimu gino gye twagala tuyigeke olwaleero. Katweyongereyo mu Tora mu kitabo ky'Olubereberye mu ssuula ey'okubiri tutandikire ku lunyiriri olw'omusanvu n'olw'omunaana. Kitugamba nti,

*"Mukama Katonda n'abumba omuntu n'enfuufu y'ensi, n'amufuufu mu nyindo omukka ogw'obulamu; omuntu n'afuuka omukka omulamu. Mukama Katonda n'asimba olusuku mu Adeni ku luuyi olw'ebuvanjuba: n'ateeka omwo omuntu.gwe yabumba."* (Olub 2:7,8)

Ebyawandiikibwa bitubuulira engeri Katonda gye yategeka olusuku olusanyusa ku lw'omuntu gwe yali atonze. Olusuku lwatumwa erinnya Adeni (ekitegeeza Essanyu) oba olusuku lwa Paladizo (Garden of Paradise). Abamu balowooza nti olusuku Katonda mwe yateeka omuntu eyasooka lwali mu ggulu. Kyokka Ebyawandiikibwa bitulaga nti olusuku luno lwali wano ku nsi ebuwanjuba mu Adeni, obolyawo mu kifo kati awali ensi ya Iraq. Ebiwandiiiko bya Bannabbi ba Katonda tebitabulatabulanga olusuku lwa Paladizo (mu Adeni) olwaali wano ku nsi n'olw'omu ggulu oluli waggulu mu ggulu Katonda gy'abeera.

Mu nnyiriri eziddako Ebyawandiikibwa bigamba mu Olubereberye 2:9,10,15 nti:

*"Mukama Katonda n'ameza mu nsi buli muti ogusanyusa amaaso, omulungi okulya; n'omuti ogw'obulamu wakati mu lusuku, n'omuti ogw'okumanya obulungi n'obubi. Omugga ne gusibuka mu Adeni okufukiriranga amazzi mu lusuku; ne gwawukanamu ne gufuuka emitwe ena...Mukama Katonda n'atwala omuntu, n'amuteeka mu lusuku Adeni alulimenga alukuumenga."*

Kale tulaba nti Katonda yategekera omusajja eyasooka, Adamu ekifo ekyeyagaza, omuntu mweyali asobola okubeera mu bugagga obw'amazima. Katonda yamuteeka mu lusuku olulimu emiti egyabalanga ebibala ebisanyusa amaaso era ebiwoomu mu kulya. Mu kifo kino eky'amagero, buli kimu **kyali kituukana era nga kyewuunyisa**. Buli kimu ku Adamu kyali kiramumu era nga kikola bulungi; amaaso ge nga galaba bulungi amatiribona, amatu nga gawulira bulungi ebinyonyi ebirimba mu miti, eno nga n'ennyindo bwewunyiriza obuloosa bw'ebimuli ebyali mu lusuku. Katonda yawa Adamu buli kimu ekimweyagaza. Ekirala tusoma engeri Katonda, mu bulungi Bwe, bwe yawa Adamu omulimu ogumatiza ogw'okulabirira olusuku, ekintu ekinamusanyusa okumalirako obudde bwe.

Ekintu ekisinga okwewunyisa ekyaliwo mu Adeni, ky'ekyo nti Katonda ye Kenyini yajjanga mu lusuku okukyalira n'okwogeranyamu n'omuntu. (Olub.3:8) mu mutima ogw'awamu. Yayagala okuba n'enkolagana ennyikidde emirembe gyonna.

Kati waliwo ekirala kyetwetaaga okumanya ku lusuku Katonda mwe yateeka Adamu. Mu makkati g'olusuku Katonda yasimbamu emiti ebiri emikulu ennyo. Ogumu nga guyitibwa *omuti ogw'obulamu*, n'omulala nga guyitibwa *omuti ogw'okumanya obulungi n'obubi*. Omuti ogw'obulamu Katonda yaguteekawo okujjukiza Adamu nti Katonda yayagala amuwe omugabo mu bulamu bwa Katonda obutaggwaawo. Omuti ogw'okumanya obulungi n'obubi yaguteekawo kugeza Adamu. Wulira Ebyawandiikibwa kye bigamba mu Olubereberye 2:16,17 nti, *"Mukama Katonda n'alagira omuntu n'amugamba nti Buli muti ogw'omu lusuku olyangako nga bw'onooyagalanga: naye omuti ogw'okumanya obulungi n'obubi togulyangako: kubanga olunaku lw'oligulyako tolirema kufa."*

Kale lwaki Katonda yagaana Adamu okulya ku muti gw'okumanya obulungi n'obubi? Bwali bukodo? N'akatono. Katonda mugabi, naye kyokka, yali ataddewo akagezo akangu okuwa Adamu omukisa okulaga Katonda nti amwagala ekimala okumugondera. Mu Yekkana 14:23,24 tusoma nti. *"...Omuntu bw'anjagala, anaakwatanga ekigambo kyange...Atanjagala takwata bigambo byange."* Katonda yatonda omuntu n'amuwa obuyinza okwesalirawo.

Nga bwetulabye Katonda yali akakasizza Adamu nti kekakutanda n'olya ku muti **tolirema kufa**. Katonda yayagala nnyo omuntu era n'amulabula nga bwe kyawandiikibwa Nnabbi Ezekyeri 18:20 nti, *"Emmeeme eyonoona y'erifa..."*

Obolyawo eriyo abuuza nti okwonoona oba ekibi kye ki? Ebyawandiikibwa bitugamba mu 1 Yokaana 3:4 nti, *"Ekibi bwe bujeemu."* Ate mu 1 Yokaana 5:17 nti, *"Buli ekitali kya butuukirivu kibi..."* ne mu Yakobo 4:17 nti, *"Kale amanya okukola obulungi n'takola, kye kibi eri oyo."* Ekibi kye kintu kyonna ekitakiriziganya na Katonda. Kiki ekituuka ku abo abonoona eri Katonda? Awamu n'ebyo bye tusomye mu Ezekyeeri tukisoma mu Abaruumi 6:23 nti, *"Empeera y'ekibi kwe kufa..."* Okufa kye ki? Abamu balowooza nti okufa kwe kuzikirira oli naggwerawo ddala era nga takyalina ky'amanyi. Na ye bwetuddayo mu Byawandiikibwa bya Bannabbi tugya kuzuula okufa mu Lwebbuluniya kitegeeza **okwawulibwa**. Kwegamba okwawulibwa okuva ku bulamu.

Kale ekyo Katonda kye yali ateggeeza era tukimanyi nti Adamu ne Kaawa bagobwa mu lusuku okwawukanyizibwa ne Katonda. Katonda mutukuvu era tasemberera kibi. Era naawe bwonoyonoona bwegunaaba. Settani ne bamalayika be bagobwa mu ggulu. Kale n'omuntu olwalya ku muti omubiri negitandika okukaddiwa, n'oluvannyuma okufa. Kyokka omwoyo gwo gujja kugenda mu kifo ekyategekerwa Setaani ne banne emirembe n'emirembe.

Mu Isaaya 59:2 Ebyawandiikibwa bigamba nti, *"...Obutali butuukirivu bwammwe bwebwawudde mmwe ne Katonda wammwe."* Bwe twonoona tubanga amatabi agawawaguddwa ku muti. Nga Yokaana 15:6 bw'atugamba nti, *"...bagakung'aanya, bagasuula mu muliro, ne gaggya."* Bwatyo omwonoonyi bw'ali mu maaso ga Katonda. Ayawulibwa najjibwa ku Katonda omuti ogw'obulamu. Kyokka Katonda ataddewo ekkubo erisobola okutufuula abatuukirivu mu maaso ge. Kino tujja kwongera okukyetegereza mu misomo ejijja.

Nga tetunamaliriza twagala tusome ebirala ebisigadde mu suula eyo ey'Olubereberye 2:18,21-25

*"Mukama Katonda n'ayogera nti Si kirungi omuntu okubeeranga yekka; n'amukolera omubeezi amusaanira... Mukama Katonda n'aleetera omuntu otulo tungi, ne yeebaka; n'amuggyamu olubiriizi lumu, n'azzaawo ennyama kifo kyalwo. Mukama Katonda n'azimba olubiriizi lw'aggye mu muntu okuba omukazi, n'amuleeta eri omuntu. Omuntu n'ayogera nti Ono nno lye ggumba erivudde mu magumba gange, ye nnyama evudde mu nnyama yange:naye anaayitibwanga mukazi, kubanga aggiddwa mu musajja. Omusajja ky'anaavanga aleka kitaawe ne nnyina, ne yeetaba ne mukazi we: nabo banaabanga omubiri gumu. Bombi baali bwereere, omusajja ne mukazi we, so tebaakwatibwa nsonyi."*

Kale obufumbo buva mu Katonda, eyatonda omusajja n'omukazi, nga yagala baagalane mu bufumbo bwabwe naye bamwagale emirembe n'emirembe. Ebisingawo obisanga mu Abaefeso 5:21-33; 6:1-4)

Bw'atyo Katonda bwe yafundikira omulimu ogw'okutonda. Mu Olubereberye 1:31-2;3 tusoma nti,

*“Katonda n’alaba buli ky’akoze; nga, kirungi nnyo. Ne buba akawungeezi, ne buba enkya, olwo lwe lunaku olw’omukaaga. Ne biggwa okukola eggulu n’ensi n’eggwe lyabyo lyonna. Katonda n’amalira ku lunaku olw’omusanvu emirimu gye gye yakola; n’awummulira ku lunaku olw’omusanvu mu mirimu gye gyonna. Katonda n’awa omukisa olunaku olw’omusanvu n’alutukiza: kubanga olwo lwe yawummuliramu mu mirimu gye gyonna Katonda egy’okutonda gye yakola.”*

Lwaki Katonda yawummula ku lunaku olw’omusanvu? Yali akooye? Nedda. Katonda takooowa. Ebyawandiikibwa bitugamba nti yawummula kuba yali amaze omulimu era nga buli kimu kituukamu. Eyo y’ensonga lwaki tulina ennaku musanvu mu wiiki.

Mikwano gyange mwebale kuwuliriza. Katonda bwanaba ayagadde mu ssomo erinaddako tujja kulaba engeri ekibi gye kyajja mu nsi.

Katonda akuwe omukisa ng’olowooza ku Abaruumi 6:23 awagamba nti,

*“Empeera y’ekibi kwe kufa; naye ekirabo kya Katonda bwe bulamu obutaggwaawo...”*

Mubadde muwuliriza Ekkubo Ery’Obutuukirivu pulogulamu eyategekebwa Trans World Radio. Kati bw’oba n’ekibuuzo, oba obujulizi, oba okuwabula oba ekintu ky’oyagala tusabire tuma sms ku nnamba zino 0704-136199 oba 0774-895460 oba wandiika ebbaluwa y’empewo (e-mail) ku Email address eno: [barua@twr.co.ke](mailto:barua@twr.co.ke) Twerabira okutuuliriza nate wiiki ejja ku sitenseni y’emu eno.

Nze omusumba Noah Nsubuga. Nsaba Mukama Katonda abawe omukisa.